Okuyiga Baibuli

1 Yokaana

1 Yokaana 1

Omutume Yokaana yalungamizibwa Katonda okuwandiika enjiri, ekitabo ky'Okubikkulirwa n'ebbaluwa essatu. Okwagala kwe n'okumalirira kwe eri Yesu kya buliggyo n'okuyaayana kwe gyetuli kwekutegeera nti Yesu, newakubadde muntu, era Katonda ow'Amaanyi kyeyogerera bulungi. Kya nnaku naye oba oli awo tekyewunyisa, mu bwangu ki enjigiriza ey'ensobi n'eyobulimba gyeyeetaagibwa okukumbibwa abatume mu kkanisa eyasooka.

Obujulizi

Ebbaluwa ya Yokaana esooka essuula esooka etandika mu ngeri yeemu nga essuula esooka ey'enjiri ya Yokaana.

Yesu ye Mutonzi

Yaliwo okuva ku ntandikwa. Wa lubeerera. Yafuuka muntu era, yakwaatibwaaaako n'engalo era naalangiribwa nga Ekigambo kifuuka omubiri.

Yesu y'Ensibuko y'Obulamu

Yaggya ng'omuntu obulamu era ensibuko y'obulamu obutaggwaawo. Ali bumu me Taata.

Yesu ye Katonda ali Naffe

Abatume baayogera ku kyebaali bamanyi okusinziira ku bumanyirivu ng'abantu. Baayaayanira nnyo abalala nabo okubeera nenkolagana eno e'yobuntu ne Katonda - okukungaanira awamu naye, enkolagana n'okwagalana ne Katonda. Bwetuwulira kino era netulaba abalala nga bajja okumanya Yesu, kireeta obujjuvu eri essanyu lyaffe mu Kristo.

Obubaka bwa Katonda

Obubaka buva wa Katonda, wabula tebuva eri batume. Pawulo era naye yayogera kyekimu, ne Yesu kennyini, yajuliza Taata.

Katonda Kitangaala

Essira liri ku kutukula kwa Katonda, obutukuvu n'obutuukirivu. Okutambula ne Katonda kyetaagisa bwelufu namazima. Tewaba kwebuzabuza na nguzi.

Twebuzabuza ffekka, okutegeeza nti tulina okussa ekimu ne Katonda bwewabanga waliwo enzikiza yonna mu mitima gyaffe. Enzikiza esobola okuba obulogo n'obujeemu naye, ekyamazima, n'ekibi ekisingayo obutono kikuleetera okwawukana ne Katonda.

Tambulira mu Kitangaala

Tweetaaga okubeera abeerufu eri Katonda. Tewali kimukweekeddwa mu Ngeri yonna, n'olwekyo kya bussiru okugezaako okukweeka ekintu kyonna. Bwetuggya eri Katonda netumukkiriza okubikkula ebiri mu mitima gyaffe, tusobola okukkiriza n'okukkiriziganya naye ku Ngeri entuufu gyetuyimiridde mu nsi yaffe ey'omwoyo. N'olwekyo tusobola okubeera n'okussa ekimu ne okwa ddala nabalala mu Kristo, wewawo ne Katonda.

Kya bulungi okuggya mu kitangaala kya Katonda naye, bwetukikola, waliwo omukisa ogw'ekitiibwa, okufuna elisa n'okulongoosebwa omusaayi gwa Yesu ogw'omuwendo. Omusaayi gwa Yesu gusobola okukwasaganya ekibi, obutali bulongoofu nekibonerezo ekutusaanira olw'ebibi byaffe.

Tuli balimba mu bufunze bwetugamba okuba nga tetulina kibi naye n'okwenenya okuva ku mitima, kireeta ekisuubizo gyetuli okusonyiyibwa n'okutukuzibwa. Tuba tetukyaliko kugaanibwa wabula okukkirizibwa mu bujjuvu, mu bumu n'omukwano ne Katonda era tusobola okunyumirwa enkolagana ez'omunda n'abalala mu mubiri gwa Kristo.

Katonda tasobola kulimba. Okwekkeneenya kwe eri ffe kutuufu ddala mu bujjuvu. Obukakafu bwekigambo kye okubeera mu ffe, kwekutegeera kwaffe okw'ekibi n'Omulokozi, Yesu eyafa asobole okukyangaanga.

Ensonga z'Okutunulira:

1. Tuli beesigwa eri obubaka bwonna obw'enjiri? Yesu Katonda era Yesu muntu. Ali byombi!

2. Tuzuula enkwatagana enambulukufu wakati w'enkolagana yaffe ne Katonda nenkolagana yaffe ne bannaffe? Tetusobola kwogera ku kumanya Katonda ate, nga, tetuli bulungi nabalala mu mubiri gwa Kristo.

3. Tutambulira mu kitangaala? Tuli beekusifu oba oluusi abatali beerufu? Tulina okuba beerufu, ba mazuma era abaddala ne Katonda n'abantu abalala.

4. Tulowooza ki ku kwatula ebibi byaffe? Ssi bigambo bigambo byetwogera - kirina okugobererwa okukyuusa omutima neneeyisa eyaddala.

5. Katonda mutukuvu naye ayaayaana okusonyiwa eyenenya. Tukisanyukira ekyo? Tussizaamu ddala ekitiibwa omusaayi gwa Yesu ogw'omuwendo?

1 Yokaana 2

Mussuul'eyokubiri mubaluwa ye, Yokaana yengerayo kumutwegwe ogwokusonyiwa, ekizikiza nekitangaala naye alina nebitegerekeka kubwetavu bwaffe obw'okwagalalana. Alaga ensonga ze enkulu kulw'okuwadiika ebbaluwa ye. Agamba abakiriza okwewala okwagala ensi era nalabula abantu ku mulabe wa Kristo no'obulimba. Azamu amaanyi abakiriza okwetegekera okuda kwa Kristo.

Abaana Abagalwa

Omutume kirabirwawo nti alina okunyorw' era n'okufaay' okunji eri abantu ba Katonda. Omutima gwe gwe gwa taata era ayagala okunyorwa wamu n'empisa okutusibwa mungeri nga yabuntu.

Yesu Omwegayirizi

Okuyayana kwa Yokaana kuli nti mubulamu bw'omukiriza ekibi kireme okukirizibwa mu, okusinga okubeer'embala. Atulaga essuubi nti waliwo atukirira era natwogerera bwetwonona. Naye no, kulwa Kristo tugenderere obutayononanga.

Okwagalana mu Mubiri gwa Kristo

Yokaana anyonyola nti, bwetuba nga tugide ddala ewa Kristo, tujja kubeera bawulize jaali era, n'olwekyo, okugondera ebiragira bye. Obuwulize kyekisumuluzo mwetulagira nga eniri bw'eri eyaddala jetuli era nga bwkute kubulamu bwaffe. Singa twagalira ddala Yesu, tuja kubeera nga bweyali. Eno no sinjogera mpya. Okubeera mukitangala kya Katonda kitegeeza tetujja kuwalana bayinaffe wade banyina ffe mu Kristo. Okukyawa kwakizikiza ate ffe tetukyali bamukifo kyo yade. Mu Kristo, tusobola okutambula obulungi netutesitala mubutali bugenderevu.

Ensonga z'Okuwandiika

Abantu ba Katonda tebalinga nsi, mukizikiza ne mutaba na ssuubi. Tuli mukifo ekisinga yo. Omuwandiisi okudingana 'abaana abagalwa', 'bataata' eran 'abavubuka', kwogera eri abantu ba Katonda abasonyiyidwa era nebanunulibwa okuva mukibi kulw'okukiriza mu Yesu - era abayanjudwa eri Katonda nga taata. Abakristo, abamaze emyaka eminji nga besigwa. Abakristo abato, abawangude omubi era nga badizidwamu amaanyi Katonda. Ffena tulungamizibwa n'okumanya nti tulina Katonda atagwawo atubererangawo bulijo era bwatyo bulijo anabeerangawo kulwaffe!

Temwagal’ Ensi

Enkola y’ensi yonna yoyononebewa Setaani, ewali okwaka, n’okuyayanira eby’omubiri era namalala manji, bisanyawo okwagala okutuufu eri Taata. Tuli bakubeera kuns’eno naye tetuli bakujefananyiriza!

Essaaw’ Esembayo

Yokaana amaanyi nti abasomesa ebyobulimba bajja kujja era banji bajakwefuula okubeera Kristo. Abantu bano, oluusi, baja kulabika ng’ekitundu kukanisa. Naye no obutajumbira bwabwe era n’okubulwa kw’obwesigwa bijja kubegana.

Nga bakiriza tetulina kutya. Tufukidwako amafuta kubw’Omwoyo Omutukuvu, atuyigiriza amazima. Wotegererera amangu kubalimba kye kiki ekyogerwa ku Kristo. Okwatula okulungi kwekutegeera Kristo okubeera Katonda, Mukama era Omulokozi era ekubbo lyoka okutuuka ku Katonda Kitaffe. Kyona ekilengez’ ebyo bwebulimba era sikituufu. Omwoyo wa Katonda ali muffe bulijo ajanga kuw’ ekitiibwa Yesu.

Yesu akomawo. Bwetumwagala era netunoonya okubeera abatukirivu mumaaso ge, tetujja kubeera nakyetutya wade ekitukwasa ensonyi, kulunaku olw’olukulu bwa najja okufuga era nokuberera emirembe gyona!

Ensonga z’Okutunulira:

1. Tufudde tutya kubantu ba Katonda? Engeri ya Yokaana jeyabalamu nag ‘abaana abagalwa’ eyogera binji kukye. Engeri gye tulabamu abalala eyogera binji kuffe.

2. Wakoma di okwebaza Yesu okubeera omwegayirizi wo? Tusiima okwagala kwe mukubeera abetegefu okukirira abantu nga gwe nange?

3. Ebigambo bya Yokaana ku kwagala kwaffe eli abalala nga tulaga okwagala kwafe kwaffe eri Kristo tubite tutya ngabikulu? Twewolereza okwatanga balala ensobi era netutabeera bakisa eri balala, ng'ate nabo baggala Kristo nga ffe?

4. Yokaana afaayo kubilimuntu mumubiri gwa Kristo. Tufaayo kubulw’omu oba kw’abo bokka abemyaka gyaffe?

5. Mung’eri ki gyosanzemu ensi ng’esomoza obulamu bwo obw’obuKristo? Tuyinza tutya okuwangula, tusobole okubeera abatukirivu era n’obutatabulwa bikemo byansi?

6. Twegobyeko tutya enjigiriza ekyamu? Tunabeera bavumu oba basonyiwavu kukujja kwa Kristo?

1 Yokaana 3

Essula eno eyogera nyo mu maanyi ag'okwagala kwa Katonda. Tulaba obukulu bw'okwagala okwo gyetuli era, n'engeri emalawo olukwe lwa Setaani. Okwagala kwa Katonda kulina okubeera nga kulabika, era no tulina okukulagira mungeri abakiriza gye bayisaamu banabwe. Akakalu k'okwagala kwa Katonda okwanamaddala okw'omwoyo kujja kulabikira muneyisa yaffe eri banyinafe ne bagandafe mu Kristo.

Abaana ba Katonda

Eno yembeera yaffe empya kubwa Kristo. Tuli baana ssi baddu buddu. Ebitonde byonna Katonda abyagala naye ffe enkizo jetulina eva kuluganda olw'enjawuro kubwa Yesu. Bili bityo lwa kwagala kwa Taata. Okwagala okusukiridde; okwagala kwetutagwanira; okwagala okusukuluma kukufumitiriza kwabantu. Tugwagira busungu bwa Katonda, ssi mukwano gwe, naye okwagala kuna okwa Katonda okwewunyisa kutwawudde kubyensi. Ng'abaana ba Katonda, tulina obukuumi, tuli munteekateeka ze era tulindiride okulaba ebyomumaaso eby'ekitiibwa!

Okulaba Yesu

Yokaana agabana nafe ku ssuubi ely'enjawuro kulw'abakiriza. Yesu bwetuli mulaba nga bwaali, tulimufana. Essuubi eryo nga ddene! Wetumulabira wonna tumanyisibwa bulungi kyaali era tulibeera badembe okuva muntalo nebikemo nekibi. Tetulidamu kubeera banafu yadde obutesobola muneyisa yaffe oba mumibiri gyaffe, tuliba nga Yesu. Alleluya!

Amateeka ne Setaani

Okwonona kwaffe n'obujeemu byamenyebwa. Twafuna ekikula ekirala ekitayongera kwonona bwononyi. Bwetwaja eri Kristo, tulina obulamu bwanjawuro era ebyokwonoona kyeyagalire obutasanyusa Katonda ssi kitundu ku ffe! Omulimu gwa Setaani bujeemu era nekibi naye Yesu aze okuzikiriza emirimu jje. Kati abazalibwa Katonda bakugoberera makubo ge ssi aga Setaani. Okwagala Katonda, okwagala butukirivu era okwagala abantu ba Katonda, bye biragira ddala nti tulina obulamu bwa Katonda muffe!

Okwagala Katonda, Okwagalana, n'Okuwangula Obukyayi

Okwagala Katonda n'okwagalana ge madaala agasokerwako eri omukiriza mu Kristo. Oluvanyuma ng'ekibi kizze munsi, mubanga tono Kayini natta mugandawe, Abeli. Abeli yali mutukirivu era kino kyekyaleeta obukyayi mumuganda we Kayini. Tekyewalika ng'ate kyanaku nti bwe tubeera mubutukirivu mu Kristo, tujja kuletera ensi okutukyawa.

Obulamu obutagwawo kirabo okuv'eri Katonda era n'Omwoyo gwe atuula mumitima gyabo abamwagala wamu n'abantu Be. Kuno kwekwagala okusinga okutaliko bikolwa. Kukozi,

kulabwako, okwagala kufaayo eri baganda baffe ne banyina ffe abali mubwetaavu, kekakalu k'okwagala kuno era tulin' emirembe n'obukakafu mumitima gyaffe nemundowooza zaffe nti tubeerawo ng'aba Kristo, ssi kwogera bwogezi bigambo bituufu! Endowooza ennunji etuletera obuvumu okutabagana ne Katonda, okwegayirira kulw'abalala kyekisaawe okukiriza mu Yesu mwe kukulira era n'okugondera buli Mukama kya tugamba. Tunywezebwa mukukiriza kwaffe, ng'Omwoyo Omutukuvu ba Katonda bwatusobozesa!

Ensonga z'Okutunulira:

1. Okubeera abaana ba Katonda tukitwala kyenkana ki nga kikulu? Tusiima enjawuro eno eyokukyusibwa mumbeera Yesu gyeya tuwangulira?

2. Lowooza kukiribaawo nga tulabye Yesu. Okubeera nga Yesu kyewunyisa! Tutwaala obude obumala nga tufumitiriza kumazima gano?

3. Omanyi otya Setaani byayagala okukola? Yesu yabizikiriza atya?

4. Nkolaki elabwaako gyetuyinza okutwala okulaga abalala okwagalana? Waliwo ekintu kyona ekitunulidwa kyetuyinza okukolera abatwetolode abali mubwetaavu?

5. Tulina obukyaayi oba obujja mubulamu bwa ffe? Tusobola tutya okubujjawo?

6. Faayo ku ngeri gyoli omuvumu maaso ga Katonda. Olin 'ensonga mubulamubwo gyewetaga okuleeta mu maaso ga Katonda kulw'okutukuzibwa?

1 Yokaana 4

Kyanaku okulabika nti, amangu ddala, ekanisa ento eli wansi w'okulumbibwa era nga okusomozebwa okukulu yensomesa enkyaamu. Omwoyo oguwakanya Kristo, mangu ddala gusitula omutwe gwagwo era Yokaana ayagala ekanisa okuziyiza okusasana kwa gwo. Ayongera okuyimusa, ekikulu ekyomugaso mukumanya okwagala kwa Katonda era n'okugabana okwagala okwo nabuli omu mumubiri gwa Kristo.

Kema Emyoyo

Twagala nyo okubeera abaniriza era n'okukwatirwa ekisa naye tudizibwamu amaanyi mubyawandikibwa okukema n'okwekenenya oba nga ekintu kiva wa Katonda, okusinga okuva mumubiri or eri omulabe. Ensonga enkulu wano bwebujurizi bwa Kristo. Omuntu yenna adirira mukwatula Kristo nga Katonda ddala era nga muntu, asubirenga ebibuuzo kunjigiriza yabwe.

Banabbi ab'Obulimba

Yokaana atugamba nti banabbi ab'obulimba banji. Bafulumye bali wabweru munsi basasanya obulimba bwabwe. Balabe ba Kristo. Nebwebabanga nga balabika nga basanyusa, bali mulutalo olwaddala ne Kristo era bajolonga ekituufu kyaali. Bansi era nno, ebyabwe bisikiriza mubiri. Tebogera kukwerekereza era bulijo bateesa nti obulamu bwakunyumirwa, nga tofudeeyo kukituufu oba ekikyaamu era bufugibwa 'kyowulira muli nga kituufu'.

Obuwanguzi

Nga abakiririza, tulina obuwanguzi eri obulimba buno, kubanga Kristo ddala abeera muffe! Kristo aze mumitima gyaffe era Omwoyo gwe gujurira wamu n'omwoyo gwaffe, ku kiki ekisanyusa Katonda naki Ki ekitamusanyusa. Kristo muffe asinga omwoyo gwona ogwobulimba. Omulabe yandiba ne kyagamba kunsi naye mugulu talina kyagambayo. Ffe twategekebwa kulwa gulu kulw'ekisa kya mukama waffe Yesu Kristo. Abo abilina Kristo ng'abeera mumitima gyabwe kulw'okukiriza, bajja kukungaana wamu naffe era babe bumu naffe naye abo batalina Kristo, bajja kutuziyiza era tebajja kutuwulriza.

Okwagala Kwaffe eri Abalala

Yokaana azaamu amanyi abakiriza okwagalana, kubanga okwagala kuva wa Katonda. Ye yensibo y'okwagala era bwetumutegerera ddala, awo nga n'okwagala kwe kufuuka kitundu kubulamu bwaffe, tugagawazibwa kwagalakwe era, olukwatibwako okwagala kwe, kutukyusiza ddala luberera!

Okwagala kwa Katonda Kulwaffe

Okwagala kwa Katonda simpulira gyetwewuriramu buwulizi naye nakyo kukolwa! Yasindika musi yaffe, omu asinga omuwendo era nga tasangika wanjawulo, Yesu Kristo, mutabani We. Yesu, nga awurikika era nga ajjude obulamu, yasindikibwa okuffa mukifo kyafe, tulyoke nti tufune obulamu obutagwawo, so si okuffa okutagwawo! Ekibonerezo ekyobwenkanya era n'omutango kulw'ebibi byaffe, kitwalidwa Yesu.

Obujulizi bw'Okwagala

Twelimba okulowooza nti tuli mukwagala kwa Katonda, bwetubeera nga enneyisa yaffe eri abalala mumubiri gwa Kristo nga siya kwagala era nga yakwelondalonda. Singa tuba tuleze kukwagala kwa Katonda, awo engeri enkulu eyokukiraga, kwe kwagala n'okufaayo kubalala. Okwagala kwaffe, okufananako n'okwa Katonda, kulina okulabisibwa mubikolwa si mubigambo byoka. Okujjulira kukwagala kwa Katonda, nga tumanya nti Yesu yemulokozi yekka, eyalabisbwa mu Katonda Mwaana, kyongera buziba okusiima kwaffe n'obuvumu mu Ye.

Essanyu ly'Okwagala

Okukulira ddala n'okukula mukumanya kwaffe okwagala kwa Katonda kukulunyo nyo era tulina okwekuuma okuva mukwematiza kwonna. Tetuzuula buziba bwakwo mulundi gumu naye tukikuza nga tutunulira okwagala bagandabaffe nebanyina ffe mu Kristo. Okubeera mukwagala kwa Katonda kituletera obujuvu mubulamu bwaffe. Tulibavumu okulaba olunaku lw'omusango, kubanga tufunye okwagala kwa Kristo. Tewali kitwetagisa kutya, kubanga ekibonerezo kyaffe kyatujibwako. Okwagala kwa Katonda tekulisibika mukisangibwa munda muffe. Kuva mukusiima, okunyumirwa n'okwenyika mukwagala kwe!

Ensonga z'Okutunulira:

1. Wekenenya bulunji oba nga ekintu kiva wa Katonda oba nedda? Oyinza otya okukwogerwa kundabayo mu mbeela eno?

2. Omanyiyo kunsomesa ey'obulimba era, bwekiba kityo, ekizibu kino oli mukukikolela ki?

3. Ebisumuluzo byobuwanguzi byebiluwa, eri obulimba n'okubuzabuza bwabalabe?

4. Ensibuko entuufu n'omutima gwokwagala kwa Katonda yeliwa?

5. Waliwo ko kungeri elabwako gyolina okukozesa okulaga okwagala kwa Katonda eri abalala kati?

1 Yokaana 5

Mu bbaluwa ya Yokaana, asigala atujjukiza nti Yesu muntu owaddala ate era nga Katonda yenyini. Atuzamu amanyi okwagala Katonda n'okwagalana mumubili gwa Kristo. Tumanyisibwa nti bwetuba ne Kristo tubeeran'obulamu: Obulamu Obutatagwaawo! Tulina okutteka ekibi emabega waffe n'okwewala ba Katonda abalala netuteeka Kristo mu masekati g'obulamu bwaffe.

Okuzalibwa Katonda

Abo bonna abakiririza dal anti Yesu ye Masiya, bazalidwa Katonda. Balamu mumwoyo. Bwetwagala Katonda, tuyayana n'okukwata ebilagiro bye. Tebitufukira mugugu nay, engeri gye tulagamu okwagala kwaffe eri Katonda. When tuzalibwa Katonda, ebisikasika n'okuyugayuga kwe'ensi eno tekutufuga. Mukif'ekyo, Kristo mu ffe, atuwa obuwanguzi obutuwanguza embeera yensi nembeera y'okwefaako feka na fekka.

Obujulizi bwa Mazzi, Omusaayi n'Omwoyo Omutukuvu

Yokaana atulaze nti Yesu yava eri Katonda. Yajira mubiri gw'omuntu nabatizibwa mu mazzi, nga ekyokulabirako nti tuffa eri omubiri era netuba balamu kulwa Katonda. Yesu yajja okuyiwa omusaayi gwe, kubanga omusayi gwe gwokka gwe gwali gusobola okujja ebibi byaffe. Yasalula omutango munene nyo, tusobole okununulibwa mubusungu bwa Katonda, Omwoyo omutukuvu atumatiza nti Yesu, eyava eri Katonda ate era nga Katonda, eyazalibwa mariya emberela era eyewayo nga sadaaka eKalivaliyo, ye kyokudamu kyoka eri okuyaga yaga, kw'ebyetaago byaffe ebyononefu.

Obujulizi bwa ba Kristo

Olugero lwaffe lusinzinde kukukiriza ekyo Katonda kyatukoledde. Tukiririza mu kwagala kwa Katonda okwewunyisa, atweligide okuyita mu Yesu. Tulangirila nti tulina obulamu obutagwawo okuyita mu Kristo era n'essuubi lyaffe koubera naye mugulu luberera, lisibidwa kuku manya kwaffe ki Yesu kyali. Netulangirira nti teli kubo ddala wabula Kristo okufuna obulokozi.

Obuvumu mu Katonda

Yokaana atuwandikira, tulyoke tube n'obuvumu mu kugenda eri Katonda era nga twekakasa nti n'obulamu obutagwawo tubulina. Enkolagana yaffe ne Katonda bweba nga ntuufu era ne tusaba ng'okwagalakwe bwekuli, tusobola okubeera ebekakafu nti ajja kutuwulira.

Ekibi Ekiletera Okuffa

Eri aba Kristo ekibi tekirina kutufuga. Kubanga tufunye Kristo, atute ekibonerezo kyaffe ekyekibiera, wadde nga tusobya era netulemererwa, bwe twatula ebibi byaffe tusumululwa era tetubonerezebwa mubutagwawo. Naye nno, Yokaana alaga nti waliyo ekibi ekiretela okuffa. Banji bebuuza kukibi kino era oba ayogera kukufa okwomubiri oba okw'omwoyo. Okirabulabi, ekikulu mukino kikwatagana kukuba nga okiriza oba obutakiriza Kristo. Bwetutakiririzadala Yesu ki kyali netugaana n'okutwala ekisonyiwo kyebibi byaffe mu kajanaja, kati awo tetujja kusisinkana kuffa kwamuburi kwoka wabula nokw'omwoyo, okutegeza okwawulibwa ku Katonda luberera!

Okuwangula Omubi

Omulimu gw'omubi kwekuzibikiriza abantu oba laba kiki Kristo kyaali n'okuwamba ensi, bantu balyoke babeere namalala n'obutetaaga kufuna bulokozi. Bwetuzalibwa ogw'okubiri, tugaana ekibi netufuna Kristo, tusumululwa mumaanyi g'omubi. Tujja okutegera nti Katonda wamazima, yesigamwako era mwesigwa era nti Setaani mulimba. Yokaana amaliriza ebbaluwa ye n'okutujukiza nti Yesu ye Katonda owaddala awa obulamu obutagwawo era natugamba okwewala ba Katonda abalala.

Ensonga z'Okutunulira:

1. Ebiragiro bya Katonda simugugu.enkolagana yaffe eyolesa amazima ago?
2. Mubirabikirawo, kitegezaki okuwangula ensi?
3. Mumazima tukiriza obujurizi bwa Katonda kumwanawe okuyita mu Mwoyo omutukuvu?
4. Tuyinza kubeera bekakafu tutya nti omulabe wa Katonda, Setaani, tafugira mubulamu bwaffe?
5. Tulina bujulizi ki mumitima gyaffe obutuwa obuvumu mu Katonda?